

جمعية خدمة المحتوى
الإسلامي باللغات



Obusiraamu Ddini eyobubumbwa, era eyamagezi n'okwesiima

Luganda

لوغندي

الإِسْلَامُ دِينُ الْفِطْرَةِ وَالْعَقْلِ وَالسَّعَادَةِ



Akakiiko k'abamanyi mu kitongole ekiweereza ky'ebyo
ebikwatagana n'obusiraamu mu nnimi ez'enjawulo

الإِسْلَامُ
دِينُ الْفِطْرَةِ وَالْعَقْلِ وَالسَّعَادَةِ

Obusiraamu
Ddini eyobubumbwa, era
eyamagezi n'okwesiima

اللَّجْنَةُ الْعِلْمِيَّةُ
بِجَمْعِيَّةِ خِدْمَةِ الْمُحْتَوى الْإِسْلَامِيِّ بِاللُّغَاتِ

Akakiiko k'abamanyi mu kitongole ekiweereza
ky'ebyo ebikwatagana n'obusiraamu mu nnimi
ez'enjawulo

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Obusiraamu

Ddini eyobubumbwa, era eyamagezi n'okwesiima

Ku lw'erinnya lya Allah omusaasizi ennyo ow'ekisa ekingi

Wali webuuzizzako:

Ani yatonda eggulu n'ensi n'ebiri mubyombiriri mu bitonde ebinene? Era ani eyakola enteekateeka eno ennungamu entereevu mu yyo?

Butya ensi n'obunene bwayo gyetambulamu netereera kunkola eyamateeka okumala emyaka emingi ennyo?

Abange ensi yeyetonda? Oba teyina nsibuko? Oba yagya kibwatukira?

Ani yakutonda?

Ani yakola sistimu enteeketeke mu mubiri gw'omuntu nemumibiri gy'ebitonde byonna ebirina obulamu?

Omuntu yenna ayina amagezi tasobola kukkiriza kumugamba: nti ennyumba esobola okubaawo nga teri agizimbye! oba okumugamba nti: ebbanga

lyeryazimba ennyumba eyo! Nabwekityo kijja kitya nti abantu bakkiriza mu bagamba nti: ensi ennene yajjawo awatali yagitonda? Omuntu alina amagezi ayinza atya okukkiriza okumugamba: nti entambula yensi eteredde yonna teriiko agitambuza wabula etambula kibwatukira.

kikakafu, gyali Katonda omugulumivu omutonzi, ateerateekera ensi n'ebigirimu, naye nga ye Allah nannyini matendo omugulumivu.

N'omulezi nannyini matendo yatutumira ababaka era nabassako ebitabo (obubaka), nga n'ekyasembayo ye Qur'an eyo gyeyassa ku Muhammad owenkomerero mu babaka ba Allah. Mu bitabo bya Allah n'ababaka be.

Yatubulira ebimukwatako, n'ebitendo bye, n'ebivunaanwa bye kuffe, era natunyonnyola omugabo gwaffe ku Yye.

Era yatulaga nti Yye ye mulezi eyatonda ebitonde byonna, era Yye mulamu tafa. Ebitonde byonna biri mungalo ze,yabilinako obuyinza era biri wansi wabukasi na ku kyuusa kwe .

Era yatutegeeza nti ebimu kubitendo bye kwekumanya. Yetoloola buli kintu kyonna n'okumanya, era Yye awulira nnyo era alaba, teri

kyekweeka kuyye mubiri munsu ne muggulu.

Omulezi w'ebitonde yooyo omulamu, eyeyimirizaawo, kuyye ebitonde byonna kwebijja obulamu amatendo gonna gage, era Yeyeyimirizaawo, nga ebitonde byonna biba biraamu kululwe, yagamba Allah owekitibwa :

﴿اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ لَا تَأْخُذُهُ سِنَّةٌ وَلَا نَوْمٌ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مَنْ ذَا الَّذِي يَشْفَعُ عِنْدَهُ إِلَّا بِإِذْنِهِ يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ مِنْ عِلْمِهِ إِلَّا بِمَا شَاءَ وَسِعَ كُرْسِيُّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَلَا يَئُودُهُ حِفْظُهُمَا وَهُوَ الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ ﴿٢٥٥﴾﴾

(Allah yekka, atekwa okusinziibwa, y'oyo omulamu obulamu obw'olubeerera nga yeyimirizaawo yekka awatali kwetaaga buyambi bwonna ate era y'ayimiriddeko okulabirirwa kw'ebitonde byonna ebisigadde, takwatibwa kusumagira wadde otulo, nannyini wa byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi, tewali agenda kwetantala kuwolereza (munne) ewa Allah okuggyako nga amukkirizza, Allah amanyi ebyo ebiri mumaaso gaabwe n'emabega wabwe ate bo tebasobola kumanya mubujjuvu kintu kyonna mwebyo byamanyi okuggyako ky'aba ayagadde, ekifo w'atebenkerezza ebigere bye wagazi okumalayo eggulu n'ensi, so ng'ate eggulu n'ensi okubikuuma byombi

tekimukaluubiriramu yadde. Era ye y'asinga okuba owa waggulu, ow'ekitiibwa ekisuffu). [Surat Al-baqara: 255]

Era yatutegeeza nti Yye ye Mulezi atendebeba nebitendo ebijjuvu, Yeyatuwa amagezi n'ebiyungo byetutegeere nabyo ebyewunyisa mukutonda kwe ekyoleka obugulumivu bwe n'obusobozi bwe namaanyi ge, Era yateeka mufu obutonde obulaga nti Yye mujjuvu, ekikasa nti tekisoboka kutendebeba nabitendo bya bunyoomoofu.

Era yatuyigiriza nti Omulezi, Ali waggulu, teyetaabika mu bitonde bye wadde ebitonde bye okwetaba wamu naye.

Era yatutegeeza nti kyatteeka kuffe okumugondera, kuba yemutonzi waffe era yemutonzi wensi atambuza ensooga zaayo .

Omutonzi alina ebitendo by'obugulumivu era tekisoboka kutendebeba nabwetaavu oba obukendeavu, Omulezi teyerabira era teyeebaka era talya mmere, era tekisoboka kubeera namukyala oba omwana, era buli mbozi yonna erimu okukakkanya ekitiibwa ky'omutonzi teri mu bubaka obutuufu obwo bweyagya nabwo omubaka wa Allah.

Yagamba omusukkulumu Allah mu Qur'an

eyekitiibwa

﴿قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ۝ اللَّهُ الصَّمَدُ ۝ لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ ۝ وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ﴾

(Gwe Nabbi Muhammad) bagambe nti Allah ali omu mu bwa Katondabwe (era nga yye yekka ateeddwa okusinzipwa).

Allah y'akola ku byetaago by'ebitonde byonna.

Tazaala era teyazaalibwa

Era tayina kimufaanana nekimu [Surat al-Ikhlaasw: 1-4].

Bw'oba okkiriza Allah omutonzi... wali webuuzizza lumu kunsonga eyakutonza? Era Allah kiki kyatwagalamu, era kigendererwa ki ekiri mu kubeerawo kwaffe?

Kisoboka okuba nga Allah yatutonda natuleka ttayo? Era kisoboka okuba nga Allah yatonda ebitonde ebyo byonna ewatali kigendererwa?

Amazima gali nti Allah omutonzi owekitiibwa yatutegeeza ekigendererwa mu kututonda, nga kwekumusiinza yekka, era kiki kyatwagalamu! natutegeeza nti Yye yasaanidde okusinzipwa mubutuufu, era natutegeza butya bwetumusinza nga

ayita mu babaka be? Era butya bwetusembere jyali nga tukola byalagira era nga tuleka byaziya? Era butya bwetutuuka kukusiima kwe? Era butya bwetwewala ebibonerezo bye, era natutegeza obuddo bwaffe oluvannyuma lw'okufa?

Era natutegeeza nti obulamu buno obwensi kigezo, era obulamu obwannamaddala obujjuvu bwakubeerawo ku nkomerero oluvanyuma lw'okufa.

Era yatutegeeza nti oyo asinza Allah nga bweyamulagira, n'alekayo byeyamuziyizaako; agya kufuna obulamu obulungi muni, n'ebiyengera ebyolubeerera ku nkomerero, ate oyo amugyemera era namuwakanya wakubonaabona kuni, nebibonerezo ebyolubeerera kunkomerero.

**N'olwokuba nti tukimanyi nti tetusobola
kuyita mubulamu buno okuleka nga buli
muntu afunye empeera yemirimu gyeyakola,
emibi n'emirungi; yye abange kisoboka okuba
nga teri kibonerezo kubalyazamaanyi oba
okusasula empeera eri abakola emirimu
emirungi?**

Era yatutegeeza omulezi waffe nti okufuna okusiimibwa kwe n'okuwona ebibonerezo bye tekituukibwaako okujjako nakuyingira busiraamu. Era

nga kwekwaayo gyali n'okumusinza yekka awatali kumugattako kirala kyonna, n' okumugondera mukukola byayagala, n'okuteeka amateeka ge munkola mubusiimu nokukkiriza, era yatutegeeza nti tekkiriza ddini yonna etali busiraamu, Allah yagamba

﴿وَمَنْ يَتَّبِعْ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِي الْآخِرَةِ مِنَ الْخَسِرِينَ﴾ (٨٥)

Oyo yenna ayagala okweteerawo eddiini etali busiramu tegenda kukkirizibwa okuva gyali, era nga yye ku lunaku lw'enkomerero agenda kubeera mubafaafaganirwa. Surat Al-Imraan: 85

Oyo yenna eyetegerezza abantu byebasinza olwaleero asanga nga Ono asinza Bantu omulana nga asinza masanamu, omulana nga asinza munyeenye n'ebirala, era tekisaanidde kumuntu Alina amagezi kusinza okujjako omulezi webitonde omujjuvu mubitendo bye, ayinza atya okusinz ekitonde ekimwenkana oba kyasingako! Asanidde okusinziibwa tekisoboka kuba nga muntu oba muti oba kisolo!

Amadiini gonna abantu gebasinzaamu olwaleero- nga ojjeeko ey'Obusiraamu- Allah siwakuzikkiriza mazima go gatandikibwaawo Bantu oba nga madiini gaali g'aKatonda oluvannyuma

Ne mubikola by'obusiraamu mulimu okukkiriza ababaka bonna Allah beuatuma nobubonero

nebyamagero, era nabatuma okukowoola eri okumusinza yekka awatali kumugattako kirala kyonna, Era asembayo mubabaka ye Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, Allah yamutuma ne ssemateeka ow'abwa Katonda asembayo era nga asangula semateeka w'ababaka eyakulembera, era namuwagira n'obubonero obunene, nga nakasinga obunene ye Qur'an eyekitiibwa, ebigambo bya Allah omulezi w'ebitonde, nga kyekitabo ekikira ebitabo byonna ebyassibwa Ku Bantu, nga kyamagero nga kyo kyennyini, n'ebigambyo byakyo n'ensengeka yako, n'amateeka gakyo, mukkyo Mulimu okulungamizibwa eri amazima agatuusa omuntu kukwesiima kungsi nekunkomerero, era kyakka mulurimi oluwarabu.

Era waliwo obujulizi bungi kuludda olwa magezi NE sayanasi obukakasa awatali kubusabuusa nti mazima Qur'an bigambo bya Allah eyayawukama era omugulumivu era nti tekisoboka kuba nga bigambo bya muntu.

Era mubikolo by'obusiraamu mulimu okukkiriza bamalayika, n'okukkiriza olunaku lw'ekomero, olwo abantu lwebagenda okuzuukira okuva muntaana zaabwe era n'okusasulwa emirimi gyabwe, yenna akola obulungi nga mukkiriza alifuna ebyengera

ebyoluberera mu Jana, ate oyo akafiwala nakola

Eddini y'obusiraamu nkola ebuna eyobulamu, ekwatagana n'obutonde namagezi, era nga ekkirizibwa emyoyo emiramu, katonda owekitiibwa yagiteerawo ebitonde bye, era Ddini ejjudde ebirungi n'essanyu eri abantu bonna munsu ne kunkomerero nga tesosola mumawanga oba langi, abantu bonna muyo benkanankana, okusukkuluma kubaawo mukukola mirimu mirungi.

Allah owekitiibwa yagamba:

﴿مَنْ عَمِلَ صَالِحًا مِّن ذَكَرٍ أَوْ أَنَّىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَلَنُحْيِيَنَّهٗ حَيٰوةً طَيِّبَةً وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرَهُم بِأَحْسَنِ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ﴾ (٧٩)

Oyo yenna akola omulimu omulingi, kaabe musajja oba mukazi, nga naye mukkiriza, tugenda kumuwangaliza ddala mu bulamu obulungi era tugenda kubasasula empeeru yaabwe nga baweebwa ekisinga obulungi ku lw'ebyo bye baakolanga. [Surat al-Nahli: 97].

n'ebimu ku Allah byakakasa mu Qur'an eyekitiibwa mulimu okukkiriza nti Allah yemulezi era asaanidde okusinziibwa, n'obusiraamu ye ddini eyamazima ne Nabbi Muhammad mubaka, era kyatteeka okuyingira obusiraamu era omuntu teyaweebwa mukisa kulonda

Ddini etali eyo era kulunaku lwenkomerero waliyo

okubalwa n'okusasulwa nga oyo yenna omukkiriza
mumazima wakufuna obuwanguzi n'okwesiima
okunene, ate omukafiiri wakufuna okufafaaganirwa
okweyolefu

Allah owekitiibwa yagamba:

﴿... وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ يُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ تَجْرَى مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا وَذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١٣﴾ وَمَنْ يَعْصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَيَتَعَدَّ حُدُودَهُ يُدْخِلْهُ نَارًا خَالِدًا فِيهَا وَلَهُ عَذَابٌ مُهِينٌ ﴿١٤﴾﴾

Ago mateeka ga Katonda, omuntu yenna agondera
Katonda n'omubakawe alimuyingiza e jjana
ezikulukutiramu emigga, baakuzibeeramu
obugenderevu, era okwo kwekwesiima
okusukkulumu.

N'oyo ajeemera Katonda n'omubakawe, naamenya
amateekage agenda ku muyingiza omuliro, nga
waakugubeeramu obugenderevu, era wa kutuusibwako
ebibonerezo ebinyoomesa. Surat Nisa-13-14

Oyo yenna ayagala okuyingira Obusiraamu alina
okugamba nti(Ash-hadu Allaa ilaaha illa Allahu wa
ash-hadu anna muhammada rasulullah), ng'amanyi
amakulu gaabyo n'okubikikirizaamu, era mu ngeri
eno n'afuuka Omusiraamu. Olwo n'ayiga amateeka
g'Obusiraamu agasigaddewo mpolampola. okusobola
Okukola ekyo Allah kye yamulagira okukola.

Okumanya ebisingawo: <https://byenah.com/lg>



الفهرس

Obusiraamu.....	2
Ddini eyobubumbwa, era eyamagezi n'okwesiima.....	2
Ani yakutonda?.....	2
Kisoboka okuba nga Allah yatutonda natuleka ttayo? Era kisoboka okuba nga Allah yatonda ebitonde ebyo byonna ewatali kigendererwa?	6
N'olwokuba nti tukimanyi nti tetusobola kuyita mubulamu buno okuleka nga buli muntu afunye empeera yemirimu gyeyakola, emibi n'emirungi; yye abange kisoboka okuba nga teri kibonerezo kubalyazamaanyi oba okusasula empeera eri abakola emirimu emirungi?.....	7



lg368v1.0 - 24/04/2026

